

24th March 2019.

MU YESU KRISTO MWE MULI OKUTUUKIRIZIBWA
KW'EBIWEEBWAAYO BYONNA.

Eby'Abaleevi 7.

Amakya ga leero tulaba okuwumbawumba kw'amateeka Mukama ge yalagira Musa okutegeeza ba kabona ku biweebwaayo, era nga bwe guli ogumu ku milamwa emikulu mu kitabo ky'eby'Abaleevi okuwaayo saddaaka zino oba okuleeta ebiweebwaayo bino kwalina amakulu ag'ensonga eri okusinza n'okutabagana ne Mukama Katonda wa Isirayiri agaali ag'okutuukiizibwa mu Yesu Kristo mu biro bye nga naffe bwe tunaalaba mu kuwumbawumba kuno.

Tusome ku mateeka g'ebiweebwaayo olw'omusango, nny 1-10.....

Mw'ebyo tujjukira nti Mukama yalagira amasavu n'omusaayi okwawulwanga ng'ebitukuvu ebiweebwaayo gyaali olw'omuwendo gwaabyo mu kuba nti amasavu gaakiikiriranga ekisinga obulungi ku nsolo ate omusaayi obulamu bwaayo. Kyokka era nga Mukama yalagira okugabana kw'ennyama ne bakabona anti n'omuganda agamba nti 'okuddiza guba mwoyo'.....

Tusome ku mateeka g'ebiweebwaayo olw'emirembe, nny.11-21.....

Ng'ekiweebwaayo eky'okweebaza Mukama kyeyagalire, oba ng'obweeyamo, ekiweebwaayo olw'emirembe tukiraba nate n'amakulu g'okutabagana ne Mukama mu mukwano kyokka omutali kibi oba obutali butuukirivu (ekizimbulukusa), wabula okuba mu mwoyo ne mu mazima.

Ate okuleeta kw'emigaati emifumbe n'ekizimbulukusa tekwaalina kkontana n'ekiweebwaayo, kuba ggyo gyaweebwanga ba kabona nga gimansiddwaako omusaayi, okuba n'amakulu g'obutaziyizibwa kujja eri Mukama nga bwoli, wabula nti bw'otuuka gyaali otuukirizibwa mu maaso ge.

Mukama yakkaatiriza obutalya bw'amasavu n'omusaayi mu nny. 23-27.....

Era mu kkomekkereza tulaba omugabo ogwaaweebwanga bakabona mu nny. 28-36.....

N'empunzika y'amateeka mu nny.37,38 nti.....

Kaakati mu bufunze, kitugwaanidde okujjukira nti mu Yesu Kristo Omulokozi era Mukama w'obulamu bwaffe mwe mwaatuukirizibwa amateeka gonna ag'ebiweebwaayo bino byonna bye tuzze tulaba okuva mu ssuula esooka. Nga bwe kyawandiikibwa mu Baebb. 10:12, "naye Kristo bwe yamala okuwaayo ssaddaaka ey'emirembe gyonna, olw'ebibi, n'alyoka atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda."

Yesu yatuukiriza ekiweebwaayo ekyokebwa, [ssuula 1], nga bwe kyawandiikibwa mu Baefeso 5:2..., "Mwaganenga nga Kristo bwe yatwagala ne yeewaayo ku lwaffe n'afuuka ekiweebwayo era ssaddaaka eri Katonda, eyakawoowo akalungi."

Yesu yatuukiriza ekiweebwaayo eky'empeke, [ssuula 2], nga bwe kyawandiikibwa mu I Abakkol. 15:20..., "Kyokka ddala Kristo yazuukizibwa mu bafu, era bye bibala ebibereberye eby'abo abaafa."

Yesu yatuukiriza ekiweebwaayo olw'emirembe, [ssuula 3], nga bwe kyawandiikibwa mu Baruumi 5:1..., "Kale nga bwe twaweewba obutuukirivu olw'okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo,"

Yesu yatuukiriza ekiweebwaayo olw'okwoonoona, [ssuula 4], nga bwe kyawandiikibwa mu II Abakkol. 5:21... "Kubanga oyo ataamanya kibi, yafuuka ekibi ku lwaffe, tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda mu Yesu."

Yesu yatuukiriza ekiweebwaayo olw'ekibi n'omusango, [ssuula 5], nga bwe kyawandiikibwa mu Baruumi 4:25..., "Kristo yaweebwayo okuttibwa olw'ebibi byaffe, n'azuukizibwa tulyoke tuweebwe obutuukirivu."

Ne Isaaya 53:10... "Naye wadde nga Mukama yafuula obulamu bwe, okuba ekiweebwayo olw'ekibi...."

Yesu yatuukiriza ebiweebwaayo byonna ku lwaffe bwe yafuuka saddaaka ey'enkomeredde etuukiriddde eri Mukama Katonda Kitaffe atutuukirize gyaali emirembe gyonna. Baebb. 10:10...., "Twatukuzibwa olw'okwagala kwe, omubiri gwa Yesu Kristo bwe gwaweewwayo omulundi ogumu ku lwaffe ffenna."

Baruumi 5:2.... "era olw'okukkiriza mu Kristo tufunye ekisa kya Katonda mwe tubeera, era mwe twenyumiririza, nga tusuubira ekitiibwa kya Katonda."